Bujagali Hydropower Project (BHPP)

http://www.bujagali-energy.com

BHPP ye pulojekiti ekola amasanyalaze agaweza megawaati 250 ezimbibwa Bujagali Energy Limited (BEL). BEL yatandikibwawo era yatekebwamu sente aba Industrial Promotion Services(Kenya) ne SG Bujagali Holdings Limited eyekutte ku Sithe Global Power,LLC(USA).Pulojekiti eri mukuzimbibwa ku mugga Kiira okuliraana tawuni y'e Jinja mu Uganda.

Embeera nga 31/12/ 2009

Pulojekiti yatandikibwa:
26/6/07.
Erigulwa: Mu katundu ak'okusatu ak'omwaka 2011.

Ekikoledwaako:

Eby'enkanika n'enzimba	**85%**
Eby'embalirira	**98%**
Eby'enzimba	**52%**

OKUTEEKA MU NKOLA EBYATEGEKEBWA KU MBEERA ZABANTU N'OBUTONDE BWENSI (SEAP).

Okuva mu gw'ekumi 2009 okutuuka mu gw'ekumi n'ebiri 2009, BEL ebadde eteeka mu nkola ebigendererwa bya SEAP era ekoze kinene nnyo mu kuzimba pulojekiti eno eyamasanyalaze agaweza megawaati 250.Egimu ku mirimu emikulu egikoleddwa mu bbanga lino gy'egino :
okutikira kw'abavubuka 53 aba Nile Vocational Training Institute mu kutendekebwa obukugu obwenjawulo,mu kutumbula omutindo gwa pulogulaamu y'ebyobulimi n'ogwebyobulamu bw'abatuuze, pulogulaamu y'akawuka n'obulwadde bwa siriimu awamu n'okuzimbira abatesobola amasiga agakekereza enku.

Eno ebaluwa y'amawulire eraga enkolagana y'abantu era eraga entabagana y'abantu n'emirimu egikoledwa okuva mu gw'omusanvu 2009 okutuuka mu gw'omwenda 2009.

Ebbaluwa eno era ewandikiidwa mu luzungu n'emu lusoga

Nyumirwa okusoma.

January 2010.

Obweyamo bwa BEL
BEL yeyama okutereeza embeera z'abantu omuli: amazzi, eby'ensoma, eby'obulamu n'okuyimirizaawo eby'enfuna ekimu ku bigendererwa bya CDAP.

BEL ekola buli kisoboka okutangira okwonoona ebitonde byonna awamu n'egyebisula, amazzi , eby'enyanja ebiriwo n'amalundiro gaabyo awamu n'enkulaakulana ezisuubirwa okubeerawo nga namungi w'abakozi okuyingira mu pulojekiti , ebiwuka ebisasanya endwadde n'ebyobulambuzi ebiri wansi wa EMMP.

Eby'enjigiriza
Okuziimba ekizimbe eky'ebibiina 10 e "Naminya RC Primary School" kwawedde. Ebibiina byakutekebwamu ebibulamu era essomero lirikwasibwa abalirikulembera mu gw'okusatu 2010.

Ekizimbe ky'ebibiina 10 ekya Naminya RC primary School kyawedde.

Entekateeka y'okuyamba abatesobola.
BEL yawa obuyambi eri abantu abatesobola mu byalo pulojekiti mwezimbibwa ng'ebazimbira amasiga agakekereza enku okusobola okukendeeza ku kukozesa enku mu bantu.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Omugatte amasiga 310 gegakolebwa mubyaalo bino nga kikubamutwe yafuna 27,Malindi n'efuna 15,Buloba yafuna 37,Naminya-Kiira n'efuna 26,Naminya Resettlement n'efuna 4,Bujagali yafuna 28,Ivunamba yafuna 48,Namizi West yafuna 63 ate Kyabirwa n'efuna 57.

Okulabiriza abatesobola nga kuyambibwako BEL kwakolebwa era ebibakwatako nebiwandikibwa wansi.
Ebyawandikibwa biraga nti abatesobola 7 baafa ate 6 basenguka.

om u ku bateesobola ng'akozesa amasiga

Eby'obulamu.
TASO ye Jinja yatendeka abasomesa 63 okuva mu masomero agali mu byaalo pulojekiti mwezimbibwa mu ngeri z'okubuliramu abaana. Ekigendererwa ky'okutendeka abasomesa kyali kyakubamanyisa ennyo ku bikwata ku siriimu n'engeri ez'enjawulo ez'okubuririramu abaana okusobola okutuuka ku mutindo gw'okurwanyisaamu akawukaka n'obulwadde bwa sirimu mu bavubuka.

Entekateka z'okutumbula omutindo gw'enguudo n'ebizimbe bya Wakisi ne Budondo HCII zikyekanyizibwaako.

Amazzi
BEL etekateeka okutuusako ebyalo pulojekiti mwezimbibwa amazzi ng'egayisa mu nseke(pipe) . Olukiiko n'abantu abaali bavuganya mu kufuna omulimu gw'okusasaanya amazzi mu byaalo bino lwatulibwaamu nga okuvuganya tekunabaawo era n'ekifo nekikyalirwa. Abantu abaali bavuganya balaga obusobozi obw'amanyi mu kukola omulimu guno era 18 ku bo balondebwaamu era nga kati bakyasunsulwa.

Okutumbula eby'obusubuzi
Okusobola okutumbula ebyobusubuzi, "Uganda Finance Trust" yaalondedwa okuyamba bizinensi zino okuyimirirawo. Ekiwandiiko ekiraga entegerekana wakati wa BEL ne Uganda Finance Trust (MOU) kiri mu kukolebwa. Pulogulaamu y'okuwola ssente entonotono eri abatuuze esubirwa kutandika mu katundu akasooka aka 2010.

Eby'obulimi
Omulundi ogw'okubiri ogw'okutumbula omutindo gw'ebyobulimi gwatandika n'okulwanyisa enjala nga BEL ewa ebibinja byabalimi 83 ensigo z'ebijanjalo ebikula amangu (kilo 132) wansi wa pulogulaamu y'okuzaawo embeera z'abantu(livelihood restoration). Omugatte kilo 3736 zezagabibwa. Okuzaala mu bisoro nakwo kweyongedde nga kati obubizzi obuto 127 n'embuzi nga 40 n'okusoba zazalidwa.

Ebijanjalo(kilo 3736) nga bibibwa eri abatuuze

Okutendeka abavubuka mu bukugu obwenjawulo.
Abavubuka 53 ku 140 nga bayambibwako BEL bamaliriza omwaka gwabwe ogumu mu kutendekebwa obukugu obwenjawulo mu Nile Vocation Institution era baatikirwa nga 4/12/09. Baawebwa zi satifiketi mu bukugu bwabwe obwenjawulo nga okukuba amatafaari n'okuyiwa enkokoto(16), okufumba n'ebyawooteri(2) , okubajja(6), eby'enviri n'okulongoosa emibiri(9), , okukanika amamitoka (9), okugogola zi paipu(3), okutuunga engooye(7), eby'amasanyalaze(1).

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Abamu kubavubuka abamaririza emisomo

Akatale

BEL erina entegeka ey'okuzimbira abatuuze b'omukitundu pulojekiti mwezimbibwa akatale mwebanatundiranga ebirime byabwe. Abaguzi basubirwa kuva mu bakozi abazimba ebbibiro. BEL yamala okulonda era n'okwekaaya abanaziimba akatale okuva mu abo abavuganya. Pulogulaamu eludde naye okuzimba kuja kutandika nga endagaano n'abazimbi ekoleddwa.

Pulogulaamu y'okutendekera abatuuze mu byalo (CBT)

Pulogulaamu ya CBT yatandika n'okutendeka abatuuze 42 mu kuzimba amasiga. Abatuuze bano benyigidde mu kukolera abatesobola mu byalo pulojekiti mwezimbibwa amasiga 310.Kisubirwa nti abakugu bano bakuyamba abatuuze abalala. Kino kijja kuyamba okukendeeza ku kusanyaawo ebitwetoloode n'obudde abakyaala bwebamala nga batyaaba enku.

BEL eteekateka kufuna tendekero ly'ebyemikono n'obusubuzi esobole okukuza pulogulaamu ya CBT.

Okutuusa amasanyalaze mu byaalo

Okusunsula abavuganya(biding) ku mulimu gw'okuwereza amasanyalaze eri ebyaalo pulojekiti mwezimbibwa n'ewalala kwaggwa.
Okukkaanya n'abalondebwa kwategekebwa kuba kwa Jan 2010 era endagaano nabo yakukolebwa mu Feb 2010

Okwebuuza n'okusomesa abatuuze ku bikwata ku pulojekiti kwalimu:

Okugonjoola okwemulugunnya kw'abantu

Okwemulugunya kungi kwawulirwa mu katundu k'omwaka kano. Okwemulugunya kw'abantu n'engeri z'okuddabiriza okwemulugunya kuno kwekuno wamanga:

- Ebbula ly'obwenkanya mu kugaba emirimu: BEL ekuumye entegerekana ennungi ne wofiisi ya salina okusobola okutekawo enkola ennungi ey'okugaba emirimu n'okugoberera BEL by'eyawandiika.
- Obutasasulwa bw'abakozi ba Boschcon: Ensonga eno eri mu kukolebwako labour officer wa Mukono.
- Okuyirira abo abakosebwa oluwenda lw'amasanyalaze (T-line) okuludde: Entegeka y'enkolagana ennungi n'okwanguya emirimu ne UETCL eri mu kukolebwawo
- Okwemulugunya ku biva mu kwasa amayinja: Okwemulugunya kuno kwagobererwa. Salini yenyigira mu kwekkaanya n'okuzuula amakulu g'okwemulugunya kwonna.BEL egezezaako okukolagana n'ebekikwatako okulaba nti efunira okwemulugunya kuno obugezi obw'ekyenkanyi ate mu budde.

Enkiiko

- Okwebuuza ku bakulembeze bebyaalo ku biva mu batuuze era n'okwogera ku nsonga eziruma abatuuze.
- Enkiiko n'abatuuze b'omukitundu ekirimu amayinja ekya kilomita 5 zakolebwa okubalabula ku bwegegendereza obungi bwebayina okuba nabwo mu budde obw'okwasa amayinja n'okufuna ebirowoozo by'abatuuze.
- Abatuuze bayaniriza pulojekiti era nebasaba

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

okutunuribwaamu mu by'emirimo era n'okuyambibwa mu kuddabiriza ekitundu nga enguudo, amasomero, n'ebyamazzi.

- Oluvanyuma lw'enkiiko zino nga amayinja teganayasibwa, Salini yalambula amayumba agaali gayinza okwononeka nga gali mu mita 600 okuva mu kifo ky'amayinja.
- Enkiiko z'ebyokwelinda mu byaalo zakolebwa e Buloba, Malindi, Kikubamutwe, Nankwanga ku lubala lw'ebuggwanjuba ne Namizi, Kyabirwa ne Buyala ku lubala lw'ebuvanjuba okumanyisa abantu ku mugaso gw'okwetuma mu kukuuma amateeka n'obulabe bw'obubbi.
- Enkiiko n'abakulembeze ba disitulikiti ye Jinja,Mukono ne Kayunga zatuulibwaamu okubamanyisa ku pulojekiti wetuuse nga mwotadde n'ebyakolebwa SEAP.
- Olukiiko ne bekikwatako (stake holders) mu gwanga lwatuulibwaamu okumanyisa abaalimu ku pulojekiti wetuuse, eby'okukolebwa mu byaalo n'obuzibu obusangiddwa. Abaali mu lukiiko bava mu NGO's, 'civil society' ne gavumenti.
- Enkiiko z'okwebuuza ku bintu ebitali bimu zakolebwa era nga omukugu eyebuzibwaako yavunanyizibwa ku kukola entekateka(plan) y'okulabirira n'okufa ku by'obuwangwa.

Pulogulaamu y'ebyobuvubi

Okuwandiika abavubi ab'okuyambibwaako BEL kwaggwa n'abantu78. Abavubi bawandikibwa abakulembeze bekikwatako okusobola okubasobozesa okuvubira mu mateeka. Emyaalo ebiri gyalabibwa era nga BEL eriinze bifananyi okuva mu dipatimenti y'ebyobuvubi okusobola okugenda mu maaso n'ebyembalirira. ekikozesebwamu kuvuba ekyaweebwa abavubi nga kikozesebwa.

Omu vubi nga akozesa erimu ku maato ne life jacket ebyabaweebwa BEL.

Eby'okulambula

Okwebuuza ku bwakabaka bwa Buganda kwaliwo oluvanyuma lw'okuzuula ekifo kyabwe eky'ebyobuwangwa era n'emitendera gy'okubwegattako n'egyogerwaako. BEL esuubira okuddamu okuwuliziganya n'obwakabaka bwa Buganda ate ekole endagaano ey'okwongera mu maaso n'ensonga eno.

Emyaalo egiyingira n'okufuluma omugga

Okuzimba amadaala ag'enkokoto ku mwalo oguyingira omugga aga NRE(Nile River Explorers) e Namiyagi kwawedde. Okuzimba kw'okumwalo gwa NRE e Nazigo,Kilindi mu disitulikiti ye Kayunga ogufuluma omugga kutuuse ku kuserekebwa.

a madaala ga NRE ag'enkokoto e Namiyagi-distilukiti ya Mukono.

Ebitwetoloode, eby'obulamu n'ensonga z'okwekuuma.

Okulabiriza kazaambi, amazzi g'omugga n'agokunywa.

Okwekkaanya entakera kazambi, amazzi g'omugga n'aganywebwa

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

kukolebwa EPC okusobola okukuuma omutindo ogwagalibwa mu nsi.Amazzi g'okunywa n'agomugga go gali ku mutindo guno naye kazambi ku bbibiro ne camp site ye tanatuuka ku mutindo gw'ebyobulamu ogwetagisibwa (BOD,COD ne TS/S).EPC ekola kyesobola okulaba nga elongoosa mu nkola y'ebyuma ebirongosa kazambi ono.

Okuddabiriza ebisaniiko

Ebisaniiko eby'obulabe n'ebitali byabulabe bikolebwa ku bbibiro. Mukoka yenna atali wabulabe ng'ebipapula n'embaawo akozesebwa oba asulibwa ku kunganyizo lya kasasiro e Jinja Municipal council. Mukoka ow'obulabe akunganyizibwa abo abamuvunanyizibwako.

Ettaka ne kazaambi ebirimu amafuta
Okuva mu kyuuma ekyaasa amayinja (crushing plant) likolebwaako ammonium nitrate (NH_4NO_2) ate lyo ettaka eririmu enkokoto n'ebumba(bentonite) okuva mu grouting likumibwa wala okuva ku mugga era n'eribikibwa ettaka elyabulijjo omuddo gulimereko.

Abagenyi

- Ekibinja ky'abantu okuva mu Japanese Cooperation agency(JICA) Kyakyalira ekifo pulojekiti wezimbibwa okwerabirako ku nkulakulana ya pulojekiti ne wetuuse awamu n'enkolagana ya pulojekiti n'abantu era n'ebibeetoloode.
- Ekibiinja okuva mu Uganda Institute Of Proffessional Engineers kyakyalira ekifo okwerabirako ku kuzimba okukoleddwaako n'ebyenkanika ebikwata ku pulojekiti.
- Omukulembeze wa World bank task eya pulojekiti ya Bujagali ne bane yakyalira ekifo okwerabirako ku pulojekiti wetuuse
- Ba ofisa okuva mu Royal College of Defence Studies London bakyalira ekifo.

Emirimu egitegekeddwa akatundu k'omwaka okaggya.

- Okwongera mu maaso n'emirimu egikwata ku bulwadde n'akawuka ka siriimu.
- Okugabira abantu entandikwa mu kulima n'okulunda(ebisoro n'ebirime).
- Okwongera okuwa obuyambi abatesobola nga amasiga agakekereza enku.
- Okwongera okukuuma emitti.
- Okusomesa abantu ku kuuma ettaka nga baziyiza mukooka(soil erosion control) n'ebimuleeta.
- -Okwongera okumanyisa abantu ku bikwata ku pulojekiti.
- -Okusomesa abavubi ku nvuba ennungi.
- -Okutumbula omutindo gw'amalwaliro(Budondo ne Wakisi).
- Okuzimba emyalo gy'obuvubi.
- -Okweebuuza ku batuuze ku ddaala CDPA ly'etuuseko n'okwekanya ebyetagisibwa.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534